## Njawulo ki eriwo wakati w'omukutuguno n'emirala egyabulijjo?

CCO Zero Omukutu guno gukozesebwa abawandiisi bebitabo oba abalina obwananyini kubintu ebiyiiye bokka, naye nga amateeka ago'bwanayini gakyabifuga munsi eyo oba nemu nsi endala.

CC0 bw'ekozesebwa, abantu abalala baba tebakyetaaga lussa okukopa oba okukozesa ebiyiiye ebyo munsi yonna mu ngeri yonna esoboka. Ekyo kiyamba abantu ababa beetaaga okubikozesa okwanguyirwa.

e kyapa kya bonna bakozese (PDM) okikozesa okulamba ebiyiiye ebimannyiddwa nti amateeka g'obwannanyini tegabikwatako. Obutafanana ko CCO, PDM tekyusa bwananyini bwa mirimu.

Omuntu yenna asobola okozesa PDM, ate kigenderedwa okozesebwa ku mirimu egyitaliiko bwanannyini mu nsi yonna.

## Creative Commons (soma kuliyetivu komonizi) ky'ekyi?

Creative Commons (soma kuliyetivu komonizi) kitongole ekiri ku ddala ly'ensi yonna ekyobwanakyewa ekyewaayo mubumaliririvu okutumbula okumanyisibwa okuyitira kumitimbagano gy'ebyuma bikalimagezi okutali kusasulire, okuwagira okukozeseza, awamu n'enkola eyokugabana ewatali bukwakkulizo amagezi agensusso eri buli muntu yenna.

Layinsensi zaffe zino ziwa gwe omuyiiya engeri enyangu ey'okuwa olussa abantu abalala ebiyiiye byo. — ate nga obukwakulizo gw'abwesizzawo. Creative Commons (soma kuliyetivu komonizi) layisensi ekukkiriza okukyusa enkola y'eddembe y'obwanannyini okuva ku "eddembe lyo'bwananyini lisigazidwa" okutuuka ku "eddembe lyo'bwonannyini erimu lisigaziddwa".

Enkuyanja z'abantu bakozesa Layisensi zino eza kuliyetivu komonizi mungeri ez'enjawulo ate emanyifu.Bwokozesa Kuliyetivu komonizi layisensi osobola okulaga abalala ebifaananyi eby'enjawulo oba obuwandiike kumutimbagano gw'ebyempuliziganya ate nga kyoba oyiiyiza kiteekebwa ku mukutu gwe gumu n'abalala munsi yonna gwebakozessa okufuna ebiyiiye eby'enjawulo omuli emirimu gy'abakubi b'ebifananyi, abasomesa, banasayansi ne gavumenti ez'enjawulo.

Creative Commons (soma kuliyetivu komonizi) e kusobozesa obutasaba lussa singa omuyiiya aba akozeseza ekyapa kino CCO — bonna bakozese.

creative commons

Creative Commons (soma kuliyetivu komonizi) egonjolamuby'okugabana

# Engeri ey'okozesa ebyapa bya bonna

creative commons

## E mirimu gya bonna bakozese gya muwendo kubanga omuntu asobola okulankulanya ku kiriwo no ‘kunyumunguza ebiyiiye ku kyayagadde nga amateka gwo’bwananyini tegamulemesa.

Eyo y’esonga lwaki kya mugaso eri abayiiya okubeera ne engeri enambulukufu e sobozesa okugabana emirimu gyabwe ne’nsi, nate era abawandisi b’ebitabo na babitereka balina ofuna engeri ey’okutegeera emirimu gyabwe egyiri mu bantu.

Creative Commons (soma kuliyetivu komonizi) ewagira ebyapa eby’enjawulo bibiri, CCO ayagadde yena ne Bonna bakozese. Creative Commons (soma kuliyetivu komonizi) layisensi eyamba abawandisi okozesa obwanannyini bwa bwe mu nkola gy’aba alonze. Nate CCO esobozesa abawandiisi nebanannyini abaagala okuwa emirimu gyabwe eri ensi yonna ne PDM eyamba mu kulamba no’kuvvunuula emirimu egyitaliiko bwanannyini.

### Ebyapa bya buli’omu bitukirawa mu byo bwananyini

| | | |
|---|---|---|
| CCO ayagadde yena<br>PDM Teri bwananyini bumanyidwa | nsaze ku dembe lyo bwananyini | edembe lyo bwananyini bwona bwange |

## CCO ayagadde yenna

**Kozesa ekyapa kino bwoba oyagadde ensi yona ekozese ebiyiiye byo nga tosabiddwa lukusa.**

PUBLIC DOMAIN

Bwokozesa CCO, owaayo obwananyini n’okuwa olukusa mumateeka ku biyiiye byo.

Okukozesa CCO kyangu nyo, genda ku mutimbagano gwa komputer (http://creativecommons.org/choose/zero) ekulage ekyo’kola. Bwonoba omazze, ogya kuwebwa ekiwandiko kyono kopa mu mutimbagano gwa komputa.

Osobozesa abalala okukoppa ebiyiiye byo, okusitula omutindo gwabyo, okybigaba, n’okwolesa katemba mu byo, n’okubikozesa mu bye enfuna nga tebakusabye lukusa.

## Ekyapa kya Bonna bakozese

**Kozesa ekyapa kino nga osanze omulimu ogutaliko bwananyini.**

PUBLIC DOMAIN

Ebiyiiye ebiriko ekyapa kya bonna bakozese biba bimannyidwa nti tebiriko bukwakulizo bwonna bwekuusa kubwannannyini mu mateeka. Omuntu yenna ayagadde okukoppa, okusitula mumutindo, okugabana no’kwolesa katemba mu biyiiye ebyo ne’mu byenfuna akirizibwa okukola nga tasabye lukusa.

Okozesa PDM ku biyiiye byo kyangu nyo. Genda ku mutimbagano gwa komputa ya PDM olonde (http://creativecommons.org/choose/mark) ekulage eky’okukola. Bwoba omaze, ogya kuwebwa ekiwandiko kyon’okopa mu mutimbagano gwa komputa.

Creative Commons ( soma kuliyetivu komonizi) tekukiriza kukozesa kyapa kino ku mirimu giriko dembe lya bwanannyini mu nsi emu oba endala. Weebuze kubanamateka bo bwoba obusizamubusizaamu mukukozesa ekyapa kino ku biyiiye byo.